# OBWAKABAKA BWA BUGANDA

(KINGDOM OF BUGANDA)

## EKIRANGIRIRO ERI BANNAMAWULIRE

## 01/08/2023

## ENKYUKAKYUKA MU KABINEETI YA KABAKA

Ssaabasajja Kabaka asiimye n'akola enkyukakyuka mu Kabineeti ye wamu ne mu bukulembeze mu kitongole kya Buganda Land Board.

A. Kabineeti empya erondeddwa y'eno:

| Na. | ERINNYA | OBUVUNAANYIZIBWA |
|---|---|---|
| 1 | Charles Peter Mayiga | Katikkiro |
| 2 | Twaha Kigongo Kaawaase | Omumyuka Asooka owa Katikkiro, era Minisita Avunaanyizibwa ku Nzirukanya y'Emirimu ne Tekinologiya<br><br>(First Deputy Katikkiro/Minister for Administration and Information Communication Technology) |

| | | |
|---|---|---|
| 3 | Robert Waggwa Nsibirwa | Omumyuka Owookubiri owa Katikkiro, Omuwanika era Minisita w’Okuteekateeka Ebyenfuna n’Obusizi bw’Ensimbi<br><br>(Second Deputy Katikkiro/ Minister for Finance, Economic Planning and Investments) |
| 4 | Patrick Luwaga Mugumbule | Omukubiriza w’Olukiiko lwa Buganda (Speaker of the Great Buganda Lukiiko) |
| 5 | Ahmed Lwasa | Omumyuka w’Omukubiriza w’Olukiiko lwa Buganda (Deputy Speaker of the Great Buganda Lukiiko) |
| 6 | Christopher Bwanika | Ssaabawolereza (Attorney General) |
| 7 | Noah Kiyimba | Minisita wa Kabineeti, Olukiiko, Abagenyi n’Ensonga ez’Enjawulo mu Woofiisi ya Katikkiro (Cabinet and Lukiiko Affairs, Protocol and General Duties in Katikkiro’s Office) |
| 8 | David F.K. Mpanga | Minisita w’Ettaka n’Ebizimbe<br><br>(Lands and Properties) |

| | | |
|---|---|---|
| 9 | Cotilda Nakate Kikomeko | Minisita w'Enkulaakulana y'Abantu (Byanjigiriza; Byabulamu) n'Ensonga za Woofiisi ya Nnaabagereka<br><br>(Social Services and Nnaabagereka's Office) |
| 10 | Joseph Kawuki | Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu; Okulambula kwa Kabaka; n'Ensonga z'Abantu ba Buganda Ebweru (Local Government, Kabaka's Tours and Diaspora Affairs) |
| 11 | Mariam Nkalubo Mayanja | Minisita wa Bulungibwansi; Obutonde bw'Ensi; Amazzi n'Ekikula ky'Abantu<br><br>(Community Self Help, Environment, Water and Gender) |
| 12 | Amiisi Kakomo | Minisita w'Obulimi; Obwegassi, Obusuubuzi n'Obuvubi (Agriculture, Co-operatives, Commerce and Fisheries) |
| 13 | Israel Kazibwe | Minisita w'Amawulire; Okukunga Abantu; era Omwogezi w'Obwakabaka (Information, Mobilization and Kingdom Spokesperson) |

| | | |
|---|---|---|
| 14 | Anthony Wamala | Minisita w'Obuwangwa; Embiri; Amasiro; Obulambuzi n'Ebyokwerinda (Heritage, Palaces, Tombs, Tourism and Security) |
| 15 | Robert Sserwanga | Minisita w'Abavubuka; Emizannyo n'Ebitone (Youth, Sports and the Arts) |

Mu nkyukakyuka zino Ssaabasajja Kabaka asiimye baminisita babiri ababadde baminisita ababeezi okufuuka baminisita abajjuvu. Oweek. Joseph Kawuki abadde Minisita Omubeezi owa Gavumenti ez'Ebitundu, Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga za Buganda Ebweru afuuliddwa Minisita omujjuvu owa Gavumenti ez'Ebitundu, Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga za Buganda Ebweru.

Oweek. Hajji Amisi Kakomo abadde Minisita Omubeezi ow'Ebyobulimi, Obutale n'Obwegassi afuuliddwa Minisita omujjuvu ow'Ebyobulimi, Obusuubuzi n'Obwegassi. Ebyobulimi, Obusuubuzi n'Obwegassi biweereddwa Minisitule enzijuvu era byawuddwa ku by'ettaka.

Oweek. Christopher Bwanika abadde Ssaabawolereza era Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu asigadde nga Ssaabawolereza era Minisita w'Amateeka olw'emirimu

gy'Obwakabaka emingi ennyo egikwata ku mateeka gy'alina okuŋŋamya.

Watondeddwawo Minisitule y'Amawulire n'Okukunga abantu era agitwala ye mwogezi w'Obwakabaka. Eno eyawuddwa ku Minisitule y'Olukiiko ne Kabineeti olw'okwagala okunyweza ensonga y'ebyempuliziganya n'abantu ate n'okubakunga basobole okutegeera enteekateeka z'Obwakabaka n'okuluŋŋamya kw'Omutanda era Minisitule eno ekwasiddwa Oweek. Israel Kazibwe abadde om uku bakiise b'abavubuka mu Lukiiko lwa Buganda.

Oweek. Noah Kiyimba kati ye Minisita w'Olukiiko, Kabineeti n'Abagenyi kyokka ajja kuvunaanyizibwa ne ku nsonga nyingi eziri mu woofiisi ya Katikkiro.

Ensonga ezikwata ku kikula ky'abantu zigyiddwa mu Minisitule y'Enkulaakulana y'Abantu ne zigattibwa ku Minisitule ya Bulungibwansi, Obutonde Bwensi n'Amazzi era Minisitule eno ekulemberwa Oweek. Mariam Nkalubo Mayanja.

Watondeddwawo Minisitule eyeetongodde ekola ku ttaka n'ebizimbe olw'obwetaavu okulondoola ensonga enkulu ez'ettaka ezirinye enkandaggo ennaku zino era ensonga z'ebizimbe zigyiddwa mu Minisitule y'Ebyensimbi olw'emirimu emingi egiri mu Woofiisi eyo.

Oweek. David Kyewalabye Male yasaba Ssaabasajja Kabaka okuwummula olw'obukosefu era Beene okusaba kwe kwakkiriziddwa. Minisitule gy'abadde atwala ekwasiddwa Oweek. Anthony Wamala abadde Ssenkulu wa Buganda Royal Institute of Business & Technical Education era enteekateeka zigenda kukolebwa Olukiiko Olufuzi olwa BRIBTE okusobola okujjuza ekifo kya Ssenkulu mu ttendekero eryo.

Minisitule ebadde eyitibwa ey'Abavubuka, Emizannyo n'Okwewummuza ekyusiddwa erinnya nga kati eyitibwa Minisitule y'Abavubuka, Emizannyo n'Ebitone olw'okuggyayo obulungi amakulu aganoonyezebwa mu kuvumbula n'okutumbula bannabitone.

Nyaniriza nnyo baminisita abaggya Ssaabasajja bampadde okukola nabo era neebaza nnyo nyini baminisita abawummudde olw'emirimu amatendo gye bakoze.

## B. BBOODI Y'EBY'ETTAKA (BUGANDA LAND BOARD)

Bboodi y'eby'Ettaka erondeddwa yeeno:

1. Francis Kamulegeya (Ssentebe)
2. Robert Henry Kiggundu (Omumyuka wa Ssentebe)
3. John Kitenda (Mukiise)
4. Rehema Nayiga Sseguya (Mukiise)

5. Rita Namyalo (Mukiise)
6. Paul Kavuma (Mukiise)
7. Ayub Kasule Kasujja (Mukiise)
8. Omutaka Namugera Kakeeto Nicholas Kasekende (Mukiise)
9. Mariam Nansubuga (Mukiise)
10. Alex Nyombi (Mukiise)
11. Simon Kaboggoza (Mukiise)

Neebaza nnyo Ssentebe n'abakiise ku Bboodi ewummudde olw'emirimu emirungi gye bakoze nga baweereza Ssaabasajja.

**Enkyukakyuka zino zitandikiddewo okukola.**

Ssaabasajja Kabaka Awangaale …………… ng'Enkumbi ku Bbega!



**Charles Peter Mayiga**

**KATIKKIRO**